# Mayiga alaze obukulu bwa yinsuwa y'ebyobulamu

DICKSON KULUMBA



Katikkiro Mayiga ng'atongoza enkola y'okuyunga abantu ku nteekateeka ya Tubeere Balamu Yinsuwa. Mu kkanzu ye Eugene Mutekhele akulira Jubilee Insurance ate ku ddyo ye Jennifer Mirembe Ssensuwa owa Weerinde Insurance Brokerage Services. Ku kkono ye Edward Kaggwa Ndagala akulira Kabaka Foundation.

Bya DICKSON KULUMBA

MMENGO etongozza enteekateeka y'okuyunga abantu ku yinsuwa y'ebyobulamu esoboka eri omuntu asookerwako eyitibwa 'Tubeere Balamu Yinsuwa' okusobozesa buli muntu okufuna obujjanjabi ng'alwadde.

Katikkiro wa Buganda, Charles Peter Mayiga bwe yabadde atongoza enteekateeka eno, yasabye Bannayuganda okwettanira enteekateeka mwe bagenda okufunira obujjanjabi obuli ku mutindo, babeere balamu olwo beekulaakulanye.

Tubeere balamu yinsuwa ererwa Minisitule y'ebyobulamu ey'Obwakabkaa n'ebitongole byabwo okuli Kabaka Foundation ssaako Weerinde Insurance Brokerage Services.

Mayiga yagambye nti, okutambuza obulungi enkola eno, y'ensonga lwaki baayise abakulembeze ku mitendera gyonna mu Bwakabaka okuli abatwala ebyobulamu okubabangula ate nabo bagende bagisomese abantu be bakulembera.

Akulira emirimu mu Kabaka Foundation, Edward Kaggwa Ndagala yagambye nti Bannayuganda 500,000 kw'abo 45,000,000 be balina enteekateeka ya yinsuwa y'ebyobulamu akabonero ke akalaga nti eby'obujjanjabi biri mu mbeera mbi.

Akulira Jubilee Insurance, Eugene Mutekhele yagambye nti enteekateeka eno egendereddwaamu okukyusa ebyobulamu mu bitundu abantu gye babeera.